**3rd May 2015.**

# YESU KRISTO YE MASIYA, OMULOKOZI W'ENSI. III

**Yokaana 4:27 – 42.**

Amakya ga leero, nga tumaliriza ensomesa zaffe, ku mutwe gwa Yesu Kristo, okuba Masiya Omulokozi w’ensi, gwe tuggye mu lugero lw’entabagana ya Yesu Kristo n’omukazi omusamaliya gwe yasisinkana ku luzzi lwa Yakobo mu Busamaliya, mwe tuyigidde nti okuweebwa kw’omuntu amazzi amalamu, kuva mu kubikkulirwa kwa Mukama gyaali, awamu naye okubikkulirwa kyaali, olwo ennyonta n’emumalwaamu lubeerera, kyokka ate era n’afuuka ensibuko y’ensulo y’amazzi ago ag’obulamu emirembe n’emirembe.
Era mwe tuyigidde nti Yesu Kristo ye Masiya omulokozi w’ensi gwe tugwaanidde okusinza era mwe tugwaanidde okusinziza Kitaffe Omulungi Katonda waffe, ow’embala y’Omwoyo. Okumusinza mu mwoyo nga z’enda zaffe kisibuka mu kumusinza mu mazima – amazima ge gonna agatuweebwa mu byawandiikibwa by’ekigambo kye. Era nga kyaalimu ekyeewuunyo ky’okuba nti Mukama bino byonna yaby’eyolesa eri mukazi, ate omusamaliya, ate ataali mugwenyufu.
Naye mu nnyiriri eziddako ezikomekkereza ensisinkano eno, era mwe tulabira ddala ekyatwaazaayo Yesu mu Busamaliya, mwe tulabira obukakafu obulukibwa mu zzo bw’ekyo ekyaali omulamwa gwa Yokaana okuwandiika enjiri eno gwalambika mu ssuula 20: 31 nti “mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.”

Obukakafu buno obwa Yesu okuba Kristo bwaali bwa mirundi etaano nga bwe tunaalaba;

- Engeri Yesu gye yalina obuyinza ku buli kimu okuba nga bwe yali ayagala.
- Engeri Yesu gye yakoma ku bulamu bw’omukazi omusamaliya.
- Entabagana eneekusifu Yesu gye yalina ne Katonda Kitaffe.
- Endaba ya Yesu mu meeme z’abantu.
- Engeri y’omuggunda Yesu gye yassa ku ba Samaliya.

- Engeri Yesu gye yalina obuyinza ku buli kimu okuba nga bwe yali ayagala.
  Tukiraba ng'abayigirizwa batuuka w'ali mu kaseera kkennyini mwe ye yanjulira eri omukazi okuba Masiya, mu kuwulira kwabwe, olwo nga tebayingiridde mboozi ye naye yonna gye tulabye waggulu, ate nga twaalaba nti olw'atuuka ku luzzi n'omukazi n'atuuka. ( Nkiwa nti omukazi ye yanyumiza ba Yokaana ebyo byonna ebyaaliwo, ng'abawa obujulizi bwe kuba mu butuufu alina okuba nti yafuuka mukkiriza era osanga omu ku bagoberezi ba Yesu.)
  Paulo Omutume yagamba mu Bik. 17:26 nti " Mukama yakola okuva ku omu buli ggwanga ly'abantu okutuulanga ku nsi enjuyi zonna, bwe yalagira n'ayawulamu ebiro n'ensalo ez'okutuula kwabwe....."
  N'olw'ekyo bwe tulaba olugero gye luggweera kituwa obukakafu ku buyinza bwa Yesu kristo ku buli kimu buli wamu, ekimwaawula okuba Masiya, ng'omukazi bwe yali agambye mu lnny. 25………

- Engeri Yesu gye yakoma ku bulamu bw'omukazi omusamaliya. [28,30]
  Tulaba nga mu butuufu ekyuukakyuuka y'omuggundo yagwiira omukazi ono oluvannyuma lw'emboozi gye yalina ne Yesu, n'akyuusibwa nnyo okuggwaamu ensonyi, n'okuba nti yandiba ng'azudde oyo ensi yonna gwe yali elindirira okuva mu biro bya Musa, bannakibuga banne gwe baakakasa okuba omulokozi w'ensi mu lnny. 42. Era nga nafffe bwe kitubeera nga tusisinkanye Yesu okuba abakkiriza mu yye….

- Entabagana eneekusifu Yesu gye yalina ne Katonda Kitaffe. [31-34].
  Mu Yok. 8:29,30, tugambwa nti Yesu yagamba nti "N'oli eyantuma ali nange; Kitange tandekanga nzekka; kubanga nkola bulijjo by'asiima. Bwe yayogera ebigambo ebyo, abantu bangi ne bamukkiriza........
  Entakera tujja kulaba ng'obulamu bwa Yesu bwaali mu kwemalira mu kkola kwagala kwa Mukama, okulambikibwa obulungi mu byawandiikibwa;
  I Tim 2:4; "ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima.
  Abaefe. 5:17,18; "Kale temubeeranga basirusiru, naye mutegeerenga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri.So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo;

I Ssesa.4:3; “Kubanga ekyo Katonda ky'ayagala, okutukuzibwa kwammwe, okwewalanga obwenzi.”
Nti mu bufunze okwagala kwa Mukama kwe Kulokolebwa, Okujjuzibwa, N’okutukizibwa. Era bw’ova kw’ebyo kikwanguyira okumanya kki kyaakwagaza okkola, wwa waakwaagala okuba, kabe kasinge n’ani gwakwaagaza okuwasa oba okufumbirwa, n’ebirala mwe tunoonya okwagala kwe.
Naye mu byonna entabagana enneekusifu Yesu gye yalina ne Kitaffe bwaali bukakafu bw’okuba kwe Masiya.

- Endaba ya Yesu mu meeme z’abantu. [35 – 38]
  Yye yalaba ng’abasamaliya baali batuuse okkungula – ng’emitima gyaabwe gyeggudde gyaali, okulokolebwa, era nabo tulaba nga bamwegayirira okusigala nabo, naye n’akkiriza okuba nabo, ababuulire amazima agaabafuula ab’eddembe. Naye era eno y’ensonga gyetulabye atabaganamu ne Nikoddemu mu ssuula 3, n’omukazi kkennyini kanaaluzaala, era gyatabaganamu na buli gwayingiza mu bwakabaka bwa Mukama……..

- Engeri y’omuggunda Yesu gye yassa ku ba Samaliya. [39 – 42]
  Okuba nti ab’omukibuga abasamaliya baasobola okwaatula bwebatyo kyaali kyamaanyi nnyo ng’obujulirwa eri ensi yonna okutuusa ne mu biro byaffe, ng’obukakafu nti ddala Yesu Kristo ye yali Masiya(Omufukeko w’amafuta), Omulokozi w’ensi ffena gwe tugwaanidde okukkiririzaamu tubeere n’obulamuu obutaggwaawo (obulamu obwaKatonda obuli naye, obutukuvu.)

Ki kkirize bw’oba tonaba, era kimatire, weweeyo okumusinza mu mwooyo ne mu mazima, ng’otambulira mu kwagala kwe….